**12th July 2015.**

# YESU KRISTO GWE MULYANGO GW'ENDIGA ERA OMUSUMBA OMULUNGI.

**Yokaana 10:1 – 21.**

Mu kusomesebwa kwaffe okwa leero, nga bwe twakinokolayo omulundi oguwedde, oluvannyuma lw’abakulembeze b’Abayudaaya oggobera omusajja eyazaalwa nga muzibe w’amaaso ebweeru wa Yekaalu, kyokka Yesu n’amusisinkana n’amusembeza gyaali okumukkiririzaamu alokolebwe.
Yesu kye yasinziirako okwasanguliza abawulize be awamu naffe, okwolesebwa kwe gyetuli ng’omulyango gw’endiga awamu n’omusumba omulungi ng’akozesa enfaanaanyirizo eyali emannyiddwa obulungi mu bantu ba Isiraeri y’obusumba, kubanga baali bakitwaala nti abakulembeze b’abwe oba mu by’obufuzi oba eby’eddiini baali ng’abasumba b’abantu.
Nze n’enfuniramu okusoomoozebwa okw’amaanyi awamu n’okusomesebwa okukulu kubanga nga bwe guli ntwaalibwa ng’omusumba, olw’obuvunaanyizibwa bw’obuweereza bw’empereddwa Mukama.
Nsaba fenna Tusome mu Ezeekyeri 34, mu biseera by’oluvannyuma, okkwaasaganya obulungi ebyo bye tusomesebwa leero, ng’ensiinziiro gye byaava mu bunnabi bw’okwolesebwa kwa Yesu gyetuli mu ssuula eno ey’ekkumi.
Olw’obudde waakiri tunokoleyo nny.1 – 6; 22 – 24…( Dawudi!); 30,31.

Kale nno nga Yesu Mukama waffe ye yanjula Ng’omulyango, Tusome Yok.10:1-10…..
Waabangawo ekisibo ky’omukibuga okwaabanga omugguzi eri Omusumba w’endiga, okwo okwabanga omulyango ku kkyo, era ng’anaakola obubi endiga tasobola zzituukako okujjako ng’alinnye kisenge, oba obudirisa n’amenya, ng’ayagala kubba, kutta na kuzikiriza ndiga.
Era waabangawo ekisibo ky’okuttale mu nsozi, abasumba mwe baakuŋŋanyizaanga endiga zaabwe, olwo omusumba ne yeebaka mu mulyango gw’akyo, olwo n’afuuka omulyango. Yesu kwatuweera eky’okulabirako nga twasanguliza Nze Ndi ey’okusatu enkulu ennyo mu njiri ya Yokaana.

Kubanga awatali Yesu Kristo teri alirokolebwa, kye tweyongera okulaba mu ssuula 14:6…. "Tewali n'omu ajja eri Kitange wabula ng'ayita mu nze…"[Yesu agamba]. Yesu akyeddiŋŋanya, ate ng'amaze okkyeekattiriza….. "ddala ddala". (7, 9). Okkikakasa. Atuwonye ng'endiga ze ababbi( abo abakozesa obulimba n'obufere) awamu n'abanyazi( bamuliisa maanyi abazikirizi b'obulamu).

Era ng'Omusumba Omulungi tulaba nti takoma kuba mulyango gwa kisibo kye, wabula awaayo obulamu bwe olw'endiga…
Ekifaananyi kye tulaba ku Dawudi mu I Sam.17:34 - 36!........
Bwe tusoma nny.11 – 21….
Omusumba yalina okuyitibwa mu yye…, yakulanga n'endiga, era endiga baazilundiranga mata, na byooya, n'olw'ekyo yazimanyanga bulungi nazo ne zimumanya bulungi okutuuka okuba nti waaliwo n'olulimi mwe baakwataganiranga [nny.3, -5]. Laba nny.14 -15.[ Dawudi yali alunda ndiga za Kitaawe!] Kye kyamutendeka okuba omusajja alina omutima ng'Ogwa Mukama...

Era mwe tulabira embala z'Obusumba Obulungi ate Obw'obuyinza Yesu Kristo bwe yayolesa; - **Yafiirira endiga ze**..[ Akiddiŋŋana emirundi; 11;15, 17-18]. Teyattibwa nga mujulizi, wabula yawaayo obulamu bwe mu kwagala okusinga. Yok.15:13….

- **Amanyi endiga ze….** Nga bwe gwaali Mukama yali amanyi amannya g'abayigirizwa be…Twaalaba Simooni mu 1:42. Na bonna be yayitanga nga Zaakayo mu Lukka 19:5, awamu n'embala zaabwe nga bwe yagamba Nassanayiri mu 1:47. Omusumba omulungi takoma kumanya mannya ga ndiga ze wabula n'embala z'aazo, n'asobola okuziluŋŋamyanga obulungi. Kyakusoomooza gyendi ekinfubisa okubabuuzanga amanya………….
- **Omusumba omulungi ayingiza endiga endala mu kisibo, n'azilabirira….** Nga yesu bwe yagendanga e Busamaliya nabo balokolebwe, ayigirize abayigirizwa be obutasosola, bwe banaaba ab'okuba n'okwagala okwannamaddala.[lnny.16]. Abafalisaayo bo baali basosoze nnyo.
- **Omusumba Omulungi Yesu alina obuyinza okweddiza obulamu bwe.** Olw'okwagala kwe, n'obuyinza, kyaali ate kimugwaanidde oggondera Kitaawe.

Nga Yesu bwe yali omulyango waalina okuba okwaawulibwa mu bawulize be, kubanga omulyango abamu gubaggalira bweeru abalala munda, nga bwe kiri mu Ezeekyeeri 34.
Ate ng'omusumba omulungi yalina okwaawula endiga n'embuzi.
Tosobola butabaako na kyosalawo ku Yesu Kristo, oyingira oba osigala bweeru…… omugoberera oba omunyoomoola n'obula bubuzi – ng'embuzi?

Mu butuufu kye tusalawo, mu kumukkiririzaamu nsonga ya bulamu na kufa! Osalawo ki?